# Abatandisi b'amasomero basanyukidde bajeti

Bya JALIAT NAMUWAYA

ABATANDISI b'amasomero ag'obwannannyini basanyukidde ekya gavumenti okwongera ebyenjigiriza ssente mu bajeti naddala omutemwa ogw'okwongeza abasomesa omusaala.

Baategeezezza nti, ebyenjigiriza bibadde bitandise okusanga akaseera akazibu era ng'abasomesa abalina obukugu batandise okufuukira ddala ab'ebbula nga kino kivudde ku kubeera nti, abamu babadde batandise okwabulira omulimu guno nga beekwasa omusaala omutono.

Okwogera bino baasinzidde mu lukung'aana olubeerawo buli mwaka nga lutegekebwa ekibiina ekikwataganya bannabyanjigiriza ekya 'Eduphic Education Services' era nga ku mulundi guno lwayindidde mu Kampala.

Ssentebe w'ekibiina kino, Ellias Natuhwera yategeezezza nti, bbo ng'abatandisi b'amasomero batawaanyizibwa nnyo abasomesa okubeera nti, tebakyanywerera mu ssomero limu nga kizibu omwaka okugwaako ng'essomero likyalina abasomesa be lyatandika nabo.

Kati baagala minisitule y'ebyenjigiriza eteekewo etteeka nga buli musomesa afunye omulimu assa mukono ku ndagaano emukugira okusuulawo omulimu nga kontulakiti ye tennaggwaako.



Ellias Natuhwera (ku ddyo) n'omu ku basomesa.